


Jane Barekye ne Kisakyamukama nga bakwasa bamakanika cceeke ya ssente z'okwekulaakulanya Pulezidenti ze yabawadde.

# Ofiisi ya Pulezidenti yeeyamye ku ssente z'enkulaakulana

Bya JALIAT NAMUWAYA

OFIISI ya Pulezidenti yeeyamye okwongera ssente mu nteekateeka zonna eziruubiriddwaamu okuggya Bannayuganda mu bwavu mu kisanja kino (2026-2031).

Bino byakakasiddwa avunaanyizibwa ku byensimbi mu maka g'Obwapulezidenti Jane Barekye bwe yabadde akwasa bamakanika mu Kampala, Wakiso, Mpigi ne Mukono cceeke ey'obuwumbi obwasobye mu busatu nga zino zaakugenda butereevu ku akawunti za SACCO zaabwe. Ssente zino zaabaweereddwa Pulezidenti Museveni zibayambeko okwekulaakulanya

Barekye yakuutidde abakulembeze ba bamakanika baleme kuluvubanira ssente ezo wabula baziwole bamakanika bannaabwe ku magoba amatono.

Bino byabadde mu ggombolola y'e Lubaga ku mukolo ogwabadde ogw'okuggulawo ofiisi y'avunaanyizibwa ku kulondoola enteekateeka za gavumenti mu ofiisi ya pulezidenti ,Yiga Kisakyamukama eyatuusa omulanga gwa bamakanika eri pulezidenti. Barekye yategeezezza nti kati Pulezidenti azzaako kugaba ssente z'abakyala banneekoleragyange n'abakolera mu butale obuli mu ggalagi z'omu Kampala nga buli SACCO yaakuweebwa obukadde 100.